# 800 batikkiddwa obusawo e Mulago




Minisita Muyingo n'abamu ku baatikkiddwa.

Bya SHARON NABASIRYE

ABASAWO abasoba mu 800 be baatikkiddwa Diploma ne Satifiketi ku ttendekero ly'abasawo erya Uganda Institute of Allied Health and Management Sciences (UIAHMS) Mulago mu masomo g'ebyobulamu okuli; okukebera omusaayi, okukozesa ebyuma ebikozesebwa mu kulongoosa, abajjanjaba amagumba, amannyo, abalongoosa amatu n'amasomo amalala ku matikkira ag'omulundi ogwe 17.

Omukolo gw'okubatikkira gwakoleddwa Minisita Omubeezi ow'amatendekero aga waggulu Dr. J.C Muyingo eyakiikiridde minisita w'ebyenjigiriza n'emizannyo Janet. K. Museveni, ng'omukolo gwetabiddwaako ebikonge eby'enjawulo okuli; Dayirekita w'ebyensoma eby'omu mutwe era kamisona w'amatendekero g'abasawo Hajjati Dr. Safinah Musene, abakulira amatendekero g'abasawo ag'enjawulo mu ggwanga, abakungu mu Minisitule y'ebyenjigiriza n'emizannyo, abazade n'abalala.

Nga yaakatuuka, Muyimgo yasoose kusimba jjinja ery'okuzimba Senate Block n'ekibiina ky'abayizi.

Akulira ettendekero lino, Rose Nassali yalambuludde ku muwendo gw'abasawo abaatikkiddwa n'asiima Gavumenti olw'okubawa ebyetaagisa, era n'asaba bongere babakwasizeeko bafune n'ebibiina ebirala we basomeseza abayizi kuba omuwendo gwabwe gweyongera buli lukya.

Ye Hajjati Dr. Safinah Musene yasabye abasawo okussa mu nkola bye basomye.

Mu kwogera kwe, Minisita Muyingo yakalaatidde abasawo abaatikkiddwa bafeeyo okukuuma obulamu bwabwe ate basse mu nkola ebirayiro bye baakubye bajjanjabe bulungi abalwadde.

Oluvannyuma Minisita yakwasizza abayizi abaasinze ku bannaabwe n'abasomesa abaasinze okukola 'Awaadi' ezibayozaayoza.